**26th February 2017.**

# MUKAMA KATONDA WA BAKATONDA YE YEKKA AGWAANIDDE OKUSINZIBWA.

**Danyeri 2:46 – 3:15.**

Nga tweyongerayo we twalekera mu ssuula 2, lwe twasemba okusomesebwa mu kitabo kyaffe eky'omulamwa omwaka guno buli lunaku lwa Mukama, ekya Danyeri. Twaleka Danyeri amaze okubikkulira Kabaka Nebu. Ekirooto kye n'amakulu gaakyo mu butuufu, nga bwe twaalaba kw'olwo, era wadde tetwamalayo ssuula mu butali bwegenderevu bwange, kyokka ate nakiraba nti kigwaanidde nnyo okuluka ennyiriri ezisembayo ku ssuula ey'okusatu, weewaawo tuleme kuzireka naye okusinga nga tuweebwa obulambukufu bw'ekifaananyi ky'omulamwa gwaffe ogwa leero nti "MUKAMA KATONDA WA BAKATONDA YE YEKKA AGWAANIDDE OKUSINZIBWA."
Tulaba amazima ago mu byawandiikibwa byaffe mwe tusomesebwa, nti wadde amangu ddala nga Kabaka Nebu. Eyali alina obufuzi obwasinga okwaatiikirira yali yaakakyaatula, teyalwa kkyeelabira, ng'era osanga bwe guba eri ffena ng'abantu.

Buli muntu alina mu yye embala y'okuba ne kyasinza, era nga yatuweebwa Mukama tube n'entabagana naye mu ngeri eyo nga bwe kiri nti eby'ennyanja biba bilamu mu mazzi, n'ebinyonyi by'omubbanga birina kubuuka, naffe abantu tulina kusinza Mukama Katonda waffe mu butuufu okuba abalamu obutuufu. Era bwe tutamusinza twesanga tusinza birala ebituumibwa "bakatonda", kubanga biba bitutte ekifo kya Mukama Katonda waffe, ekimugwaanidde yekka…..
Tukiraba mu Baruumi 1:21 – 25…… Nti omuntu atasinza Katonda asinza ekifaananyi eky'embala ye (omuntu), mu busiru bwe ye, ekimuleetera okuzikirizibwa sso ssi okuba omulamu.

Ate kitugwaanidde okumanya nti ensonga y'okusinza ebifaananyi nkulu nnyo eri Mukama, nti ne mu mateeka ekkumi abiri agasooka kwe gassa olunwe, bwe tusoma mu Kuva 20:3 -6 zigamba nti………..
Awo w'ojja okunkakasa nti ssisobola kkola kyole oba kiyite kibumbe nkivunnamire nga katonda wange, wadde era ne mu mirembe gyaffe amawanga mangi, n'amadiini gakikola, naye okusinga mu mirembe gyaffe, ebifaananyi ebyo

tubitadde mu mmeeme zaffe, ne mu mitima gyaffe, nga kw'olese, ebirala ebitumalamu ennyo, ne bitwaala ekifo kya Mukama mu bulamu bwaffe, nga kw'otadde abantu…………, emisomo, emirimu, eby'emizannyo, n'ebinyumu…..
Era nga wadde ebimu birungi gyetuli era gy'emikisa gya Mukama, kyokka tekitugwaanidde kubigulumiza ku Yye eri obulamu bwaffe.

N'ennyanjula eyo ewerako tubikkule mu Danyeri 2:46 tusome nga bwe tweetegereza ennyiriri zaffe eza leero………

Lnny..47….Akikakasa, era awa Danyeri ebitiibwa n'obukolomooni bw'okumusinza ng'amusukkulumyeeko olw'obuyinza bwa Katonda we.

Ssuula 3…[1-7]…Ateebereza nga bwe kimugwaanidde okusinzibwa olw'obutagulumiza Mukama Katonda wa Danyeri nga bwe twaalabye mu Bar.1:21. Yakiggya mu ndabika y'ekifaananyi kye yaloota mu ssuula 2, mwe yayitwa omutwe ogwa zzaabu.
Era mu kwagala okugatta obufuzi bwe mu nzikiriza y'okusinzibwanga, yayagala buli muweereza mu Babulooni alage obumalirivu okumuweereza ng'amugulumiza mu kitiibwa ekisinga era ekisaanidde Katonda, n'olw'ekyo nga yye kkenyini y'efudde katonda.
Ekyeewuunyisa nti embala y'emikaaga eyabalwanga Ababababulooni etuweesa kubbiiti 60 ku 6 ez'ekifaananyi ky'omufuzi w'abamawanga eyasooka, kyokka ate ne mu Kubbikkulirwa tulaba ng'ekifaananyi ky'omufuzi w'abamawanga asembayo kiriba n'ennukuta 666!

Naye nga bwe kyaali ekikulu ennyo eri Abayudaaya betumanyi, obuteeyoneenesa, obutekkiriranya eri obutali butuukirivu, tubuulirwa mu nny. 8…-15……
Tunaalaba ebyaddirira awamu oluddako nga Mukama akkirizza, wadde abasing tubimanyi, era ng'osobola n'okusoma mu maasoko ku bubwo, netuyigira awamu byetubiyigiramu.
Naye Zzabbuli 115 nga tumaliriza egamba nti…….